Nyinza ntya okuwandiisa omufu n'okufuna ebbaluwa y'okufa?

Omuntu afiira mu ddwaliro

Singa omuntu afiira mu ddwaliro, omukulu w'eddwaliro eryo awandiika okufa okwo, ategeeza omukungu awandiisa, era afulumya ekiwandiiko ekirangirira okufa kw'omuntu oyo ng'alaga obukakafu bw'okuba nti omuntu oyo afiiridde mu ddwaliro eryo.

Omuntu afiiridde mu kyalo

Singa omuntu afiira mu kyalo, omwami w'eggombolola/kkalaani w'ekibuga awandiika okufa okwo, ategeeza omukungu awandiisa era afulumya ekiwandiiko ekirangirira okufa kw'omuntu oyo ng'alaga obukakafu nti omuntui oyo afiiridde mu kyalo.

Omuntu yetaaga ki okusobola okufuna ebbaluwa y'okufa?

1. Ekiwandiiko ekirangirira okufa kw'omuntu nga kiva mu ddwaliro oba ew'omwami w'eggombolola.
2. Ekiviiriddeko omuntu okufiira mu ddwaliro nga kirambikibwa omusawo eyakoze ku mugenzi oba nga kiva mu lipoota y'okukebera omulambo ebeera ekoleddwa omusawo akebedde omulambo ogwo.
3. Teekako kopi y'ennangamuntu y'eggwanga ey'oyo asaba era aweeyo ennangamuntu y'eggwanga ey'omugenzi.
4. Akakonge ka bbanka nga kali mu mannya g'omugenzi akasasuliddwako UGX 5000/= ku bannansi ne USD 40 ku bagwiira.
5. Ebbaluwa y'okufa ya bwereere ku munoonyi w'obubudamu afiira mu Uganda singa wabaawo obukakafu nti munoonyi wa bubudamu.

OKUWANDIISA ABAANA ABOOLEBWA N'ABAJUNIBWA

Etteeka ly'abaana liragira nti omuwandiisi w'abantui abazaalibwa n'abafa anaakuumanga ekitabo ky'aboolebwa n'abajunibwa omunaawandiikibwanga abantu aboolebwa n'abajunibwa.

Emitendera gy'okuwandiisa abantu aboolebwa n'abajunibwa.

1. Asaba afuna olukusa lw'okwola oba olw'okujuna okuva mu kkooti erina obuyinza obulugaba.
2. Olukusa lw'okwola/okujuna alutwala mu NIRA asobole okuweebwa ebbaluwa y'obwozi oba obukakafu bw'okuwandiisa olukusa lw'okujuna. Teekako kopi y'ebbaluwa y'obuzaale bw'omwana.
3. Teekako ebiwandiiko ebikyaliko eby'abazadde aboozi oba eby'omuzadde omujunyi ku abo abaagala okujuna (kopi y'ennangamuntu y'eggwanga oba paasipooti)
4. Asaba olwo aweebwa ebbaluwa/ennambika y'obwozi ku bwereere

NIRA (EKITEBE EKIKULU)

Ekibangirizi kyu'obwetwaze, Ekisaawe ky'ennyonyi e Kololo, P.O. Box 26529, Kampala-Uganda
Essimu (Awatuukirwa abagenyi): +256 312119600

Abantu abalina bye baagala okumanya, tuukirira:
0800211700 (Entabiro y'essimu)

Okumanya ebikwata ku nkolagana n'abantu,
Kuba: +256 312119605

Nira_Ug NIRA nira.go.ug

NIRA
National Identification and Registration Authority
Uganda-My Country My Identity

ENGERI Y'OKUWANDIISA ABAZAALIDDWA N'ABAFUDDE

OKUWANDIISA ABAANA ABAZAALIDDWA

Kuno kwe kuwandiisa mu butongole erinnya, ekikula ky'obutonde, ekifo ky'obuzaale n'abazadde b'omuntu nga bwe kiragirwa mu nmateeka. Mu kuwandiisa abaana abazaaliddwa, tubeera twanukula "ani", "ddi", ne "mu ani" ebikwata ku muntu.

Engeri y'okufuna ebbaluwa y'obuzaale

- Singa omwana abeera azaaliddwa mu ddwaliro, omukulu w'eddwaliro eryo awandiika okuzaalibwa kw'omwana oyo, era n'afulumya ekiwandiiko ekirangirira okuzaalibwa kw'omwana oyo.
- Singa omwana azaalirwa mu kyalo, omwami ow'eggombolola/kkalaani w'ekibuga awandiika okuzaalibwa kw'omwana oyo, n'ategeeza omukungu akola ku by'okwewandiisa era n'afulumya ekiwandiiko ekirangirira okuzaalibwa kw'omwana oyo

Maama/taata/awandiisa agenda ku kitebe kya NIRA mu kitundu ekyo, n'awaayo bino:

1. **Ekiwandiiko ky'eddwaliro oba eky'eggombolola/kkalaani w'ekibuga ekirangirira okuzaalibwa kw'omwana.**
2. **Olupapula 3 olwa NIRA olulanga okuzaalibwa kw'omwana nga lujjuziddwamu bulungi.**
3. **Ennangamuntu z'eggwanga/NIN ez'abazadde.**
4. **Akakonge ka bbanka okusasuliddwa UGX 5000/= ku munnansi oba $ 40 ku bagwiira. Kya bwereere ku banoonyi b'obubudamu.**

Maama/taata/awandiisa aweebwa ebbaluwa y'obuzaale.

OKUFUNA EBBALUWA Y'OBUZAALE EMPYA

Okusobola okufuna kopi y'ebbaluwa y'obuzaale bwo, wofiisi yaffe ejja kwetaaga okusooka okunoonya mu biwandiiko ebiri mu tterekero lyaffe. Okunoonya kuno kukolebwa oluvannyuma lw'okusasula ensimbi USD 20 ku bagwiira ne UGX 1000 ku bannansi ez'okukola omulimu ogwo, era ebizuulibwa oluvannyuma bikutegeezebwa. Tukusaba kopi y'ebbaluwa yo enkadde oba, bino wammanga okutusobozesa okunoonya mu biwandiiko byaffe:

1. Amannya mu bujjuvu
2. Olunaku lw'obuzaale
3. Ekifo ky'obuzaale
4. Amannya g'abazadde bennyini
5. Olunaku lw'okwewandiisa/nnamba y'okwewandiisa

Kopi y'ebbaluwa olwo ejja kukolebwa oluvannyuma lw'okusasula USD 40 (abagwiira) ne UGX5000 (bannansi). Ekirala, leeta ebbaluwa ya poliisi ekakasa nti ebbaluwa yo yabula, era ng'omuntu okuweebwa ebbaluwa eno, teekako kopi ya paasipooti yo/ennangamuntu y'eggwanga ekyaliko.

Singa ebiwandiiko ebyo tubizuula, tujja kugenda mu maaso tukuwe ebbaluwa y'obuzaale.

Engeri y'okufuna ebbaluwa y'obuzaale ng'oli bweru wa ggwanga

Okukusobozesa okusasula ebisale ebirambikiddwa, genda ku mutimbagano gw'ekitongole ky'ebyemisolo (URA) ''**www.ura.go.ug**'' osobole okulaba olukalala lwa bbanka eziri ebweru wa Uganda ezisobola okutuusa ensimbi ku akaawunti yaffe mu Uganda.

Bw'otuuka eyo,

- **Nyiga 'eService''.**
- **Londako *Payment Registration* okwolekera *Payments*, olwo ffoomu ejja kulabika.**
- **Ku ffoomu eyo, wansi wa *Tax Head*, Londako *'Other NTR'*.**
- **Buuka ebiti ebirala byonna ogende ku katundu ka *Bank Details*.**
- **Londako ekika ky'ensasula ky'oyagala okukozesa.**

Olukalala lwa bbanka z'abawi b'omusolo ezikkirizibwa lujja klulabika. Londako bbanka ekwanguyira okusasuliramu era okozese *email* okutuweereza erinnya lyayo tulyoke tusobole okukuweereza empapula kw'owandiisiza okusasula kwo.

Oba si ekyo, bw'oba olina mukwano gwo oba owooluganda lwo abeera mu Uganda era nga mwetegefu okukuyamba, mugambe ajje ku wofiisi yaffe ku kibangirizi ky'obwetwaze bw'eggwanga ekiri ku KISAAWE KY'ENNYONYI E KOLOLO, afune empapula okusasulirwa wakati w'essaawa bbiri ezookumakya ne kkumineemu ezoolweggulo, okuva ku Lwebbalaza okutuuka ku Lwokutaano.

OKUWANDIISA ABAFU

Okuwandiisa abafu kye ki?

Kuno kwe kuwandiisa mu butongole erinnya ly'omugenzi, ekikula ky'obutonde bwe, ekifo ky'amafiire ge, emyaka gy'obukulu bwe n'ekyamusse nga bwe kiragirwa mu mateeka. Mu kuwandiise abafu twanukula "ani", "lwaki", "ddi", oba "atya" ebikwata ku mugenzi.

Ani alina obuvunaanyizibwa bw'okulangirira omuntu nti mufu?

1. Munywanyi w'omugenzi oba owooluganda lwe abeera aliwo mu kifo ky'okufa oba;
2. Munywanyi w'omugenzi oba owooluganda lwe abeera akyali omulamu oba abeera mu nnyumba omugenzi mwe yali abeera;
3. Omuntu azuula oba avunaanyizibwa ku mulambo gw'omugenzi oba omuntu avunaanyizibwa okuziika omulambo gw'omugenzi mu busengeke obwo.